OKUTUMBULA OLULIMI OLUGANDA N'EBY'OBUWANGWA BY'ABAGANDA.

OLUPAPULA LUNO LUWANDIIKIDDWA WILLIAM KIZIMULA MPALANYI

OLULIMI

Olulimi kintu kya njawulo era kya mugaso nnyo mu bulamu bwaffe kubanga gwe gumu ku misingi gy'empuliziganya yaffe.Olulimi lugabanyizibwamu ebika bisatu nga bye bino:

- Olulimi olwogere
- Olulimi oluwandiike
- Olulimi lw'emibiri gyaffe

Emirundi egisinga tukozesa olulimi lwe mibiri gyaffe kubanga bye twogera si bye tukola!.Omunoonyereza Albert Mehrabian yagamba bwati:
" Ebitundu musanvu ku buli kikumi (7%) obubaka buva mu kamwa kaffe, ebitundu asatu mu munaana ku buli kikumi (38%) buva mu bifo (obukulu bwe tuba nabwo ku balala), ate ebitundu ataano mu bitaano ku buli kikumi buva mu bikolwa by'emibiri gyaffe. Kikakafu nti olulimi kintu kya buzaalirwana omuntu kyajja nakyo ku nsi so ngate kya buwangwa omuntu okuba n'olulimi.

Buli ggwanga lirina olulimi lyalwo olujja lwogerwa okuva ku mugigi ogumu okutuuka ku mulala.Okufaananako n'ennimi endala olulimi Oluganda lwe lulimi lw'Abaganda era lubaddewo bukya ggwanga lino libaawo. Kwe kugamba lubaddewo emyaka nga lunaana (800) kubanga kiteberezebwa nti n'eggwanga ly'Abaganda gy'emyaka gye liweza. Eby'embi bajjajja ffe abasooka tebaasobola kuwandiika, osanga Oluganda lwandibadde lugagga n'okusinga kati bwe luli. Naye twebaza abo abazze baluwanirira okutuusa kati, era tulina okwennyumiriza ne mpandiika entongole gye tulina kubanga waliwo ennimi nnyingi ezoogerwa mu kakyo kano naye nga tezirina mpandiika nkuukutivu. Oluganda lwe lumu ku nnimi ezimanyiddwa era engagga z'ebigambo mu nsi yonna. N'olw'ekyo Oluganda lusaanye okukuumwa butiribiri era n'okwongera okulugaggawaza.

EBY'OBUWANGWA

Obuwangwa z'empisa, ennono, emizizo, obulombolombo, emirimu, enzikkiriza by'abantu ab'eggwanga erimu bye bakozesa okuva ku migigi ogumu okutuuka ku

mulala. Obuwangwa butwaliramu buli kintu kye tuyiga kubanga tubusanga ku nsi. Obuwangwa bwe bwawula eggwanga erimu okuva ku ddala kubanga buli ggwanga lirina empisa zaalyo. So ng'ate amawanga agamu galina ebintu ebimu bye gaagala okufaananya naye ekyo tekigafuula kuba ge gamu. Obuwangwa bwogera ku bantu era bukuumibwa nga tweyambisa lulimi, eŋŋoma, amazina, ennyimba, ebiwandiiko, ebibumbe, ebibajje, katemba n'emizannyo. Abantu beenyumiriza era baagala nnyo eby'obuwangwa byaabwe era bafuba okubukuuma. Obuwangwa kintu kiramu tteke ekitazaalibwa nti kirina omuka.

OLULIMI N'EBY'OBUWANGWA

Olulimi luyamba mu kukuuma eby'obuwangwa bwaffe. Abakola ku kunoonyereza ku by'ennimi bagamba nti "Buli wiiki bbiri waliwo olulimi olubula."Olulimi bwe lubula n'eby'obuwangwa biba bibuze~~l~~! Ate eby'obuwangwa bwe bibula, eggwanga liba libuze!~~.~~ Kwe kugamba nti "OLULIMI LY'EGGWANGA" era eno ye motto y'Ekibiina ky'olulimi Oluganda. Olulimi y'endabirwamu y'eby'obuwangwa. Nga bwe bagamba nti kizibu okwawula eby'obufuzi ku by'eddiini bwe gutyo bwe guli ku lulimi n'eby'obuwangwa.

OKUFA KW'OLULIMI N'EBY'OBUWANGWA

Oluvannyuma lw'okulaba nti olulimu n'eby'obuwangwa bintu biramu, tekiba kikyamu okugamba nti bwe tuba tetubikutte n'obwegendereza biyinza okufa. Ensonga enkulu eziviirako olulimi okusaanawo ze zino wammanga:

- Okunnyoma olulimi n'eby'obuwangwa byaffe nga kino kiva mu butennyumiriza mu byaffe ne tususuuta eby'abalala.
- Abantu okuva mu bitundu byaabwe eby'obuzaaliranwa ne basenga mu bitundu ebirala.
- Obutogera lulimi n'obutakuuma nnono yaffe.
- Okwavuwaza olulimi nga tulwogera tulutabikamu ebigambo okuva mu nnimi endala oba tukuyite okwewola ebigambo.
- Okukkopa empisa z'abalala n'addala ensiwuufu n'etuziwaanyisa ne zaffe.
- Obutasomesa oba okuyigiriza olulimi n'eby'obuwangwa byaffe.

OKUKULAKKULANYA N'OKUTUMBULA

Buvunnanyizibwa bwaffe ~~nga~~ ng'Abaganda okulaba nga tukuuma Oluganda n'eby'obuwangwa byaffe nga tubyennyumirizaamu so si kubiŋŋoola. Bino

wammanga bisobola bulungi okutuyamba okunyweza n'okutumbula olulimu n'oby'obuwangwa by'Abaganda:

- Okuyigiriza emigigi emito olulimi Oluganda n'ennono yaffe. Ate n'abakulu abatabimanyi okubijjumbira.Tufube nnyo okwagaza abavubuka olulimi n'eby'obuwangwa byaabwe.Tutandikewo amasomero g'Oluganda agayigiriza olulimu n'eby'obuwangwa byaffe.Okugeza nga Luganda Academy eya Washington-DC,Virginia ne Maryland wano mu America. Bannaffe mwebale olw'omulimu gwe mukoze.

- Tuwagire nnyo nnyaffe Nnaabagereka mu mulimu gw'ebisaakate.
- Okufuba okulaba ng'Oluganda wamu n'eby'obuwangwa byaffe bigenda n'enkyukakyuuka ezijja zibaawo. Kino kituyambe okubigaziya gamba ng'okugunjawo engero, ebisoko, enjogera, ebitontome ebipya.
- Okwekolamu omulimu nga bannalulimi era bannannyi ggwanga okumanyisa abalala olulimi lwaffe n'ennono yaffe. So ngate naffe ffennyini tuyige ebitukwatako. Tweyongere okutandikawo emikutu gy'empuliziganya gamba nga Websites.
- Tufube nnyo okulaba ng'Oluganda lwogerebwa abantu abakyazaala (emyaka 20-45) kubanga bwe lunaasigala nga lwogerebwa abantu abalina emyaka nkaaga (60) okugenda waggulu olwo nga tutandika mpolampola okulufumya.
- Tufulumye era tuwandiike ebitabo ebiggya ate tuyambe mu kufulumya ebitabo ebyawandiikibwa edda naye nga tebiri ku katale mu nsangi zino. Waliwo abawandiisi bangi abetaaga obuyambi okusobola okufulumya ebitabo byaabwe. Abaganda kino kye kiseera okulowooza ku kuzimba etterekkero ly'ebitabo gaggadde. Ate Abaganda tulina okunyikkirira okusoma ebitufaako.
- Tulowooze ku kuzimba etterekkero ly'eby'obuwangwa byaffe oba giyite *myuziyamu*.
- Tusaanidde okwekolamu omulimu gw'ebyalo mu ngeri y'okusenga awamu nga bannaffe abamu bwe bakoze ng'Aba Kyayina (Chinese). Tulwanyise empisa y'okweyawulayawulamu.
- Okujjumbira era n'okwongera okutekateeka enkuŋŋaana nga zino mwe tusobola okukubaganyiza ebirowoozo ku kukukulakkulanya olulimi lwaffe n'eby'ennono yaffe.

OKUWUMBAWUMBA

Abaganda mbasaba mutwale ensonga y'olulimi n'eby'obuwangwa nga nkulu nnyo. Eky'obugagga ekisinga omuwendo omuzadde kyasaanidde okuwa omwana kwe kumuyigiriza olulimi lwe wamu n'eby'obuwangwa bwe. Mbasaba tutakabanire nnyaffe Buganda nga tukuuma, tulongoosa, twenyumiriza ate nga tutumbula olulimi n'ennono byaffe. Enkyukakyuuka nnyingi ezize zibaawo mu nsi ennungi n'embi.Tusaanidde tugende n'enkyukakyuuka ennungi ezo ezinatuyamba okutwala Oluganda n'ennono yaffe mu maaso kubanga bwe gutaba gutyo tujja kusigala emabega nnyo. Eky'okulabirako kye kyokuba nti nazzikuno Abaganda beesigamanga nnyo ku kulima ebitooke n'emmwanyi okujjamu ekigulira Magala eddiba. Bwe kiba nti si bwe guli mu biro bino, tusaanye tuwulirize nnyo omulanga gwa Ssaabasajja ogw'okulima~~u ebintu~~ ebimera ebirala nga Ppayini(pine).

Tusaanidde okulonda ebyo ebinatugasa okutwala obuwangwa n'olulimi byaffe mu maaso wabula tuleke ebyo ebinabinafuya. Abaganda twambale amaliba ag'enjawulo ag'obuwangwa bwaffe mu mbeera ezitali zimu anti bagamba nti "*Ekiswa bwe kikyuusa amaaso nga n'envubo okyuusa.*" Abasajja muyambe ku bakyala bammwe ku mirimu egy'awaka kubanga embeera ekyuuse ate okunaaza omwana gwe wakeera enkya n'ozaala ne munno tekikujjaako kitiibwa kyo so tekikufuula mugenge. Abaganda tufuuke nnawolovu tusobole okugumira enkyukakyuuka kyokka nga tutwala ebya Buganda mu maaso. Tulonde empisa n'obulombolombo ebinatugasa ate nga bwe tukuuma obuwangwa bwaffe.Twewale okunawuuza obuyisayisa okuva mu mawanga amalala ge tulowooza mbu gaakulakkulana dda nga tubusonseka mu by'obuwangwa byaffe.

Tufube nnyo okulaba nga tulafubanira ebyo ebinaatuyamba okufuuka eki~~t~~tole. Abaganda ebyo bye njogeddeko tebisobola kutuukirira awatali kwegatta, kwagalana, kwagalizaganya n'okuba n'omutima ogulumirirwa Buganda. Abaganda mbasaba twagalane ng'abenda ya Nakalaama tusobole okutwala eggwanga lyaffe Buganda mu maaso.

Awangaale Ssaabasajja,Awangaale Maggulunnyondo.